**09th April 2017.**

# OBULOKOZI BULI MU KATONDA.

**Danyeri 6:14-28.**

Tuzze tulaba obulamu bwa Danyeri ne banne abasatu; Azaliya, Kananiya ne Misayiri era ng'okuyita mu bbo, Katonda ayolesa obukulu bwe n'obusukkulumu bwe eri embeera, abantu n'ebintu byonna.

Mu ssuula eno ey'omukaaga tulaba Danyeri ng'ayongera okusaba n'okwegayirira Katonda nga bwe yali enkola ye newaakubadde nga ku luno waali wateekeddwaawo olukwe olw'okumusuula mu mpuku y'empologoma "Abakungu abo n'abaamasaza kye baava bagenda bonna eri kabaka mu kibiina ne boogera anti, 'Ayi kabaka Daliyo, owangaale! Abakungu bonna, n'abamyuka baabwe, n'abamasaza, n'abawi b'amagezi ab'okuntikko, n'abakungu, bateesezza ne bakkiriziganya okusaba kabaka okuteeka etteeka, n'okuwa ekiragiro ekinyweevu, nga buli anaasabanga eri Katonda omulala oba omuntu omulala yenna mu nnaku amakumi asatu eziddirira, okuggyako ng'asinza ggwe, ayi kabaka, asuulibwe mu mpuku y'empologoma." (Danyeri 6:6-7)

**Obulokozi;**

Obulokozi bwe tugenda okwogerako olwaleero kwe kuwonyezebwa okuva mu kabi oba mu kiseera ekizibu; mu lungereza kye bayita 'deliverance'.

Era ng'olwaleero tugenda kulaba nti obulokozi obwa nnamaddala buli mu Katonda.

Mu ssuula eno tuzze tulaba obulamu obusabi Danyeri bwe yalimu, obuvumu bwe, wamu n'okwesiga Katonda era nga bino buli mukkiriza yandibyetaaze.

Amazima gali nti byonna bya mugaso mu bulamu bw'omukkiriza naye ekikulu kye tutayinza kubuusa maaso era nga gwe mulamwa gw'essuula eno ye Katonda wa Danyeri atwolesa obukulu, obusukkulumu, n'obufuzi bwe ebimufuula omulokozi atalemwa kulokola mu buli mbeera.

Kyangu nnyo okutunuulira Danyeri wa Katonda ne twelabira Katonda wa Danyeri.

Vs. 14-16 Tulaba okufuba kw'omuntu nti newaakubadde tuyinza okuba ne betweesiga nga balina obuyinza obw'enkomeredde okutulokola; amazima gali nti balina we bakoma.

Ekikolwa ekifaanana bwe kiti kyalabika ku Yesu Kristo nga Pilaato asala amagezi amutaase omusaalaba naye nga ye Katonda yali amaze okusalawo nti yali wa kugugendako ffe tulokolebwe.( Lukka 23:13-24)

Enteekateeka z'omuntu n'amagezi ge tegasobola kugaana kwagala kwa Katonda newaakubadde ng'omuntu oyo alina obuyinza obw'enkomeredde ng'ensi bwemuwa.

Ennyiriri zino16, 20,21,25 zitwoleka omulamwa ogusinga obukulu ogw'obulokozi oba obuwonya bwa Katonda.

Kabaka Daliyo agamba Danyeri nti Katonda wo gw'oweereza bulijjo okulokole.Obuweereza bwe bulijjo baabulaba; okusaba kwe tekukwekeddwa, ayogera ku bukulu bwa Katonda, avvuunula ebirooto era ne ku mulundi guno Katonda alabisibwe mu mpuku y'empologoma.

Danyeri yali ayagala Katonda? Ye. Danyeri yali aweereza Katonda? Ye. Danyeri yali musabi? Ye. Danyeri yali mutuukirivu? Ye. Danyeri yavvuunula ebirooto ebizibu?Ye.

Ebyo byonna yabikola nga yeesinga Katonda naye ku mulundi guno omuntu yenna yandirowoozezza nti Katonda yandibaddeko n'engeri gyamutaasaamu.

Katonda akyali wamu naye ne mukusalawo asuulibwe mu mpuku erimu empologopma.

Eyasuula ne gwe baasuula mu mpuku bonna baamanya nti abadde Katonda y'asindise malayika naggala obumwa bw'empologoma. Daliyo yamanya nti Katonda wa Danyeri ye Katonda asaanidde okusinzibwa; ye Katonda omulamu, abeerera e mirembe gyonna; n'obwa Kabaka bwe, n'okufuga kwe tekulikoma. Vs 26

Mu maanyi ge alokola era awonya kubanga alokodde Danyeri mu mannyo g'empologoma.

Twetaaga obulokozi mu ngeri nnyingi; si ffenna nti tunaalokolebwa mu mpuku y'empologoma naye olunaku lumu tujja kwetaaga obulokozi mu mirimu gyaffe, mu buweereza, mu maka gaffe ne mu ngeri endala nnyingi.

Danyeri yalabika ng'awedde ng'asuulibwa mu mpologoma era si kye kyaali kinyuma okulaba nga kiba ku muweereza wa Katonda; naye ebimwogerwako ne Katonda we byakyusibwa bwe yafuluma mu mpuku.

Bangi kuffe twagala nnyo okufuluma mu mpuku y'empologoma gyetutaasuulibwamu.

Bwe tuba nga tuli baakuweesa Katonda kitiibwa waliwo we kyetaagisa okumalirira n'okukkiriza okutali kwa bulijjo nga twesiga nti oyo gwetuweereza mulamu era w'amaanyi okutulokola.

Dawudi ya yogera nti "Omunaku ono yakoowoola Mukama n'amwanukula, n'amumalako ebyali bimuteganya byonna. Malayika wa Mukama yeebungulula abo abatya Mukama, n'abawonya. Mulegeeko mulabe nga Mukama bwali omulungi! Balina omukisa abaddukira gy'ali……………. Omuntu omutuukirivu ayinza n'okuba n'ebizibu bingi, naye byonna Mukama abimuyisaamu." (Zabbuli 34:6-8, 19)

Mukama atugamba ng'ayita mu Isaaya "Ne mu bukadde bwammwe nja kusigala nga yenze nzuuyo. Ne bwe muliba mulina envi naabasitulanga.Nze nnabakola era nze nnaabaweekanga era nnaabanunulanga. Ani gwe mulinfaananya era gwe mulinnenkanya era gwe mulingeraageranyaako tufaanane?" (Isaaya 46:4-5)

Pawulo ye kye yava agamba nti "Tunyigirizibwa erudda n'erudda naye ne tutabetenteka. Ne tweraliikirira, naye te tuzirika. Tuyigganyizibwa, naye Katonda tatuleka.Tusuulibwa wansi naye ne tutabetentuka, nga tulaga okufa kwa Yesu bulijjo mu mibiri gyaffe." (2 Abakolinso 4:8-10)

Ebitulumba bituleetera entiisa era ne tulowooza nti tuwedde era tumaliddwaawo bingi naye bwe tuba nga tuli ku kituufu nga ky'ekitussa tulina obuvumu nti ne mu kufa twalokolebwa era nga n'amagombe Yesu Kristo yagawangula bwaataasigala mu ntaana lunaku lwa kuna.

Tuyinza okweraliikirira kyetunaaalya, we tunaasula wamu n'embeera endala ezitwala okusalawo okw'amaanyi naddala nga tulumbiddwa. Era tulowooza nti eky'entiisa ekisembayo nga kwe kufa.

Danyeri okufa yakubuusa amaaso nga banne abasatu bwe baakola nga n'obumalirivu nga baddamu nti "Ayi Nebukadduneeza, tekitugwanira kwewolereza mu maaso go ku nsonga eyo. Bwe tunaasuulibwa mu kikoomi ekyaka omuliro, Katonda gwe tuweereza anaatuwonya ekikoomi ekyaka omuliro era anaatulokola mu mukono gwo. Naye ne bwe kitaabe bwe kityo, twagala okimanye, ayi kabaka nga tetugenda kuweereza bakatonda bo, newaakubadde okusinza ekifaananyi ekya zaabu kye wabumbisa." (Danyeri 3:16-17)

Okusalawo ng'okwo kukolebwa omuntu ategedde nti Katonda we mulamu era nti ne bwekuba kufa ajja kununulibwa.

Obuvumu bwaffe ab'oluganda butuli mu Kristo Yesu era nga mu Yye mwe tujja amaanyi okunyweera mu buli mbeera nti nga bwe yawangula naffe tuli bawanguzi mu Yye.
"N'olwekyo, baganda bange abaagalwa, mube banywevu era abatasagaasagana nga mweyongera bulijjo okukola omulimu gwa Mukama waffe, kubanga mumanyi nti okufuba kwammwe si kwa bwereere mu Mukama waffe."(1 Abakolinso 15:58)

Tuleme kwerabira nti Mukama Ye mununuzi waffe era obulokozi bwaffe buli mu Yye yekka.
Amiina